Bayibuli y'abaana abato
Ekwanjulira

Pasika
Eyasooka

Yawandiikiddwa: Edward Hughes

Ebifaananyi bya: Janie Forest; Alastair Paterson

Yakozesebwa: Lyn Doerksen

Yavvuunulwa:
Rev. Fr. Dr. Francis Xavier Mbaziira

Yafulumizibwa: Bible for Children
www.M1914.org

©2020 Bible for Children, Inc.
Olukusa: Okkirizibwa okukoppa oba okufulumya bino, Ebinyumizibwa kasita bitaba bya kutunda.

Omukyala yayimirira
ku kasozi okuli
abaleekaana,
n'atunula nga
munakuwavu
ku kyaliwo
eky'entiisa.

Omwana we yali afa. Omuzadde oyo yali Mariya. Yali ayimiridde kumpi n'ekifo we baakomerera Yesu ku musaalaba.

Ebyo byonna byajja bitya? Yesu yasobola atya okumaliriza obulamu bwe obulungi bwe butyo mu ngeri ey'entiisa okwenkana awo?

Katonda yayinza atya okukkiriza Omwana we okukomererwa ku musaalaba okugu-fiirako?
Yesu ye yakola ensobi n'ateemanya bw'ali? Katonda ye yalemererwa?

Nedda, Katonda teyalemererwa, ne Yesu teyakola nsobi n'emu. Yesu bulijjo yamanya nti yali wa kuttibwa abantu ababi.

Yesu ne bwe
yali nga mwana
muto omusajja
omukadde
erinnya lye
Simewooni
yabuulira Mariya
nti okunakuwala
kumulindiridde.

Ennaku
ntono nga
Yesu anaatera
okuttibwa,
omukazi omu
yajja n'ayiwa ku
bigere bya Yesu
omuzigo oguwunya akawoowo.

Abayigirizwa
ne beemulugunya
nti "Omukazi
ayonoona ssente."
Yesu n'agamba
nti: "Ky'akoze kirungi.
Akikoze lwa kunziika"
Ebigambo ebyo byali byewuunyisa!

Ebyo bwe byaggwa, Yuda, omu ku bayigir-izwa ba Yesu ekkumi n'ababiri, n'akkiriza okulyamu Yesu olukwe, amuweeyo mu baka-bona abakulu, bamu-weemu ebitundu bya ffeeza amakumi asatu.

Ku mbaga y'Abayudaaya ejjuukirirwako Okuyitako Yesu yalya ekijjulo kye ekyasembayo ng'ali wamu n'abayigirizwa be. Yababuulira ebintu ebyewunyisa ku Katonda ne ku ebyo by'asuubiza abamwagala.

Awo Yesu n'abawa omugaati n'ekikompe babigabane. Bino byali bya kubajjukiza nti Yesu yawaayo omubiri gwe n'omusaayi gwe okusonyiyisa abantu ebibi.

Olwo Yesu n'abuulira mikwano gye nti ajja kuliibwamu olukwe, era nti bo bajja kumuddukako. Petero n'alumiriza nti: "Nze sijja kukuddukako." Yesu n'agamba nti: "Enkoko eneeba tenakookolima, onooba onneeganye emirundi esatu."



Oluvannyumako mu
kiro ekyo, Yesu
n'agenda mu
nnimiro y'e
Getesemane
okwegayirira
Katonda.
Abayigirizwa
be baali naye
ne beebaka otulo.

Yesu ne yeegayirira
Katonda nti "Ayi
Kitange, nzigyako
ekikompe kino
eky'okuboonaboona.
Naye, si nga nze
bwe njagala, wabula
nga Ggwe
bw'oyagala".

Amangwago ogubinja gw'abantu ne guyingira mu nnimiro, nga gukulembeddwa Yuda. Yesu, naye Petero n'asalako omusajja omu okutu.

Mu kasirise, Yesu n'akwata okutu kw'omusajja oyo n'akuwonya.
Yesu yamanya nti okukwatibwa kwe kwali mu ebyo Katonda by'ayagala.

Ogubinja gw'abantu ne gutwala Yesu mu nnyumba y'omukulu wa bakabona.
Eyo abakulembeze b'Abayudaaya ne bagamba nti: "Yesu afe."

Okumpi awo, Peetero n'ayimirira ku kyoto ky'abawereza alabe ebinabaawo.

Emirundi esatu abantu baatunuulira Peetero, ne bagamba nti: "Naawe wali ne Yesu."

Emirundi egyo esatu Peetero ne yeegaana, nga Yesu bwe yali agambye.

Peetero yateekako okulayira n'okukolima.

KOOKOLILYOKOO



Amangwago
enkoko
n'ekokoolima.
Lyali ng'eddoboozi
lya Katonda
Peetero lye
yawulira.

KOOKOLILYOKOO



Peetero
bwe yajjukira
ebigambo bya
Yesu, Peetero
oyo n'akaaba
nnyo.

Ne Yuda yeenenya.
Yamanya nga Yesu
teyalina kibi kye
yakola wadde
omusango gwe
yazza.

Yuda n'azzaayo ebitundu
bya ffeeza amakumi
asatu, naye bakabona
ne bagaana
okubikkiriza.

Yuda ensimbi
ezo n'azisuulawo,
n'agenda yeetuga.

Bakabona ne batwala Yesu eri Pilaato, omufuzi Omurooma.
Pilaato n'agamba nti: "Sizudde musango mu muntu ono."

Naye ogubina gw'abantu ne guleekaana nti:
"Mukomerere ku musaalaba, mukomerere ku musaalaba."

Kyaddaaki Pilaato n'akkiriza n'asarira Yesu ogw'okukomererwa ku musaalaba. Abaserikale ne bakuba Yesu, ne bamufujjira amalusu mu maaso, ne bamukuba n'embooko eriko amalobo agasuna.



Mu bukambwe, ne
bamukolera engule
ey'amaggwa amasongovu, ne
bagimukomerera ku mutwe.
Ne bamukomerera
ku musaalaba ogw'omuti afe.

Yesu yamanya bulijjo ng'ajja kufa mu ngeri eyo. Era yamanya ng'okufa kwe kujja kuleetera ekisonyiwo aboonoonyi abamwesiga.



Abazzi b'emisango babiri nabo baakomererwa ku misaalaba emabbali wa Yesu. Omu n'akkiriza Yesu-era n'agenda mu kifo oky'okwesiima. Omulala teyamukkiriza.



Nga wayiseewo essaawa nga ziizo, Yesu ze yamala mu bulumi, n'agamba nti: "Kiweede".

Mikwano gye ne bamuziika mu kifo ekitali kya lukale.

Awo abaserikale
Abarooma,
entaana ne
bagissaako
akabonero
era ne
bagikuuma.

Olwo nga tewali ayinza kuyingirayo oba okuvaayo.

Singa eyo ye yali
enkomerero
ya Yesu, nga
kyandibadde
kya nnaku!

Naye Katonda yakola ekyewuunyisa. Yesu teyasigala nga mufu.

Ku makya ennyo ku lunaku olusooka mu wiiki, abamu ku bayigirizwa ba Yesu baasanga

ejjinja liyiringisiddwa okuva ku ntaana.

Bwe baagitunulamu,
Yesu yali
takyalimu.

Omukazi omu yasigalawo ng'akaabira kumpi n'entaana. Yesu n'amulabikira!

Omukazi oyo n'addayo mangu
n'essanyu okubuulira
abayigirizwa abalala nti:
"YESU MULAMU! YESU
AVUDDEYO MU
BAFU!"

Yesu teyalwa, n'ajja eri abayigirizwa be, n'abalaga enkovu z'enninga z'emisumaali gye bamukomerera. Kyali kituufu. Yesu yali azzeewo nga mulamu.

N'asonyiwa Peetero okumwegaana, era n'agamba abayigirizwa be okubuulira bonna nti mulamu olwo n'alyoka addayo mu Ggulu gye yava ku lw'Amazaalibwa ge olwasooka.

Pasika Eyasooka

Ekinyumizibwa okuva mu kigambo kya Katonda, Bayibuli

Bisangibwa mu

Matayo 26-28, Lukka 22-24, Yowanne 13-21

"Ekigambo kyo we kiyingira. Kireetawo ekitangaala." Zabbuli 119:130

Enkomerero

Kino ekinyumizibwa mu Bayibuli kitubuulira ku Katonda waffe eyeewuunyisa era ayagala tumumanye.

Katonda amanyi nga twakola ebintu ebibi, by'ayita ekibi. Ekibonerezo ky'ekibi kufa. Naye Katonda akwagala nnyo, kyeyava atuma Omwana we, Yesu, okufiira ku musaalaba, abonerebezebwe olw'ebibi byo. Olwo Yesu n'akomawo mu bulamu, era n'addayo ewuuwe mu Ggulu. Bw'okkiriza Yesu, n'omusaba akusonyiwe ebibi byo, ajja kubikola. Ajja kujja abeere mu ggwe, era naawe obeerenga naye olubeerera.

Bw'okkiriza nti kino kyamazima, gamba Katonda nti: "Yesu Omwagalwa, nzikiriza ng'oli Katonda, era nga wafuuka omuntu, olyoke ofe olw'ebibi byange, era kaakano waddawo okuba omulamu. Nkusaba ojje mu bulamu bwange, onsonyiwe ebibi byange, nsobole okuba n'obulamu obuggya, era lukye lumu, mbeerenga naawe olubeerera. Nnyamba okuba omuwulize gy'oli, n'okuba omulamu ku lulwo nga omwana wo. Amiina.

Somanga Bayibuli onyumyenga ne Katonda buli lunaku.
Yowanne 3:16